By'otekeddwa okumanya ebitera okubuziibwa ku birime ebikoleddwa mu nkola eya bayotekinologiya

Ekibuuzo: **Ekirime ekilongoseddwa mu nkola ya bayotekinologiya kyekyi?**
Okuddamu: *Ekirime ekilongooseddwa mu nkola ya bayotekinologiya kikolebwa bakakensa nga bayita mu kukyuusa obutofaali bwakyo, mu ngeri ey'ekikugu.* **Eky'okulabirako:** *Okwefananyirizaako nga enjuki bwezikola mu bilime ebyabulijjo, akatofaali kasobola okugyibwa mu kirime ekimu, nekatongoozebwa mu kirime ekirala mu ngeri ey'ekikugu.*

Ekibuuzo: **Ensonga lwaki ebirime bya bayotekinologiya bikolebwa?**
Okuddamu: *Ebirime ebya bayotekinologiya bikolebwa okusobola okugonjoola ebizibu ebyenjawulo mu birime, ebiba bilemeddwa enkola eza bulijjo. Okugeza, akawuka akakaza ebitooke (BBW) kasobola kugonjoolwa nga bayita mu nkola ya bayotekinologiya yokka. Kino kiva ku nsonga nti, akatofaali akasobola okuyambako okulwanyisa akawuka kano, kasobola kujibwa mu kilime kilala, ekitali kitooke.*

Ekibuuzo: **Kitongoole ki ekivunanyizibwa ku birime ebya bayotekinologiya?**
Okuddamu: *Mu Uganda, ekitongoole kya gavumenti ekya NARO ekivunanyizibwa okunonyereeza ku birime, kyekimu era ekikutte eddimu ly'okunonyereeza ku birime ebya bayotekinologiya.*

Ekibuuzo: **Amawanga ki mu nsi, agalima, okulya, n'okozesa ebirime ebya bayotekinologiya?**
Okuddamu: *Okuva mu mwaka 1994 ekirime kya bayotekinologiya bwekyatongozeebwa, amawanga agasooba mu 18 gabirima mu nsi yonna era ge gano wammanga: America, Brazil, Argentina, Canada, India, China, Paraguay, SouthAfrica, Pakistan, Uruguay, Bolivia, Philippines, Australia, Burikina Faso, Myanmar, Mexico, Spain, Chile, Colombia, Honduras, Sudan, Portugal, Czech Republic, Cuba, Egypt, Costa Rica, Romania, Slovakia.*

Ekibuuzo: **Migaso ki egiri mu birime ebya bayotekinologiya oba GMOs?**
Okuddamu: *Okusinziira mu nsi ebirime bino gyebilimiddwa, bisangiddwamu emigaso gino wammanga:*

- *Obutakoseebwa endwadde ezitali zimu, naddala ez'obulabe ennyo eri ebirime wamu n'obuwuka obutawaanya ebirime entakera.*

Ubic Uganda Biosciences Information Center
SCIFODE
NEXTGEN CASSAVA
NaCRRI
NARO

- *Okubala ennyo*
- *Biyambako ekendeeza ku nsasanya ku bikozesebwa mu kulima nga okufuuyira ebiwuuka*
- *Byongera ku nyingiza y'omulimi*
- *Obutakosa bulamu n'obutoonde bw'ensi*

Ekibuuzo: Buzibu ki obweyolekedde mu birime ebya bayotekinologiya?
Okuddamu: *Nga buli tekinologiya omupya yenna bweyandibadde, wayinza okubaawo obuzibu singa aba takozeseddwa bulungi. Obumu ku buzibu obuyinza okweyolekera mu birime byayotekinologiya bwe buno wammanga:*

- *Okutongooza obutofaali mu kirime obuyinza okuba n'obulabe ku bulamu bw'omuntu. Obutofaali obutongozeddwa mu kirime ekimu, okugenda mu kilime ekirala mu butanwa.*
- *Wabula wewabaawo amateeka n'ebitongoole eby'ekenneenya engeri ebirime bino gyebikoleddwamu, obuzibu buno buziyizibwa. Buvunanyizibwa bwabo abakola ebirime bino ne gavumenti, okulaba nga biyita mu mitendera emituufu obutabaako buzibu bwebireeta ku bantu n'obutonde bw'ensi.*

Wabula wewabaawo amateeka n'ebitongoole eby'ekenneenya engeri ebilime bino gyebikoleddwamu, obuzibu buno buziyizibwa. Buvunanyizibwa bwabo abakola ebirime bino ne gavumenti, okulaba nga biyita mu mitendera emituufu obutabaako buzibu bwebireeta ku bantu n'obutonde bw'ensi.

Ekibuuzo: Ebilime ebya bayotekinologiya bizaazibwa bitya?
Okuddamu: *Ebilime bya bayotekinologiya bizaazibwa mu kuyita mu tekinologiya ow'ekikugu, okusobola okukyuusa obutafaali bw'ekilime. Kino kikolebwa okusinziira ku buzibu obuba bwetaagisa okugonjoola mu kilime.*

Ekibuuzo: Ebirime ebya bayotekinologiya byetaagisa mu Uganda?
Okuddamu: *Sayansi owa bayotekinologiya wadde nga mupya, asangiddwa nga wamugaso nnyo eri ensi zinagwedda n'ezikyakula nga Uganda. Mu byobulamu, ebyobulimi, obutonded bwensi n'amakolero, sayansi ono akozesebwa. Bino ku byayinza okuyambako mubyobulimi*

- *Okulwanyisa obuwuuka n'endwadde ezifuuse kawenkene mu birime nga akawuka akakazza ebitooke, n'akavunza muwogo*
- *Okwongeera ku bungi bwe mmere elimwa*
- *Okukendeeza ku miwendo gy'emmere*
- *Okwongera omutindo gwe mmere; Okwongeeramu ekiriisa n'obutatawanyizibwa biwuuka.*

Ekibuuzo: Amawulire ageesigiika ku birime ebya bayotekinologiya nyinza gajjawa?

Okuddamu: *amawulire agakwatagana n'ebilime bya bayotekinologiya osobola okugajja mu kitongoole kya gavumenti ekya NARO oba mu bifo bino wammanga:*

Uganda Biosciences Information Center- e Namulonge ku faamu ya Gavumenti
Agricultural Research Laboratories- e Kawanda ku faamu ya Gavumenti

Science Foundation for Livelihoods and Development (SCIFODE) Tel: +256-392-833315